AKAWAAYIRO No. 1 MU TTEEKA **12 Gwakubiri, 2010**

AKAWAAYIRO MU TTEEKA

Mu lufulumya olw'enjawulo olwa Uganda Gazette No. 10 Volume CIII nga 12 Ogwokubiri, 2010.
Bikubiddwa mu kyapa aba UPPC, Entebbe, ku biragiro bya Gavumenti.

Etteeka 1 *Etteeka ly'ettaka (erikyusiddwamu)* **2010**

ETTEEKA LY'ETTAKA (ERIKYUSIDDWAMU), 2010.

ENSENGEKA Y'ENNYINGO

Ennyingo

1. Okukyusa mu nnyingo 31 ey'Etteeka ly'Ettaka
2. Okuwagikamu ennyingo 32A
3. Okukyusa mu nnyingo 35 ey'Etteeka ekkulu
4. Okukyusa mu nnyingo 59 ey'Etteeka ekkulu
5. Okukyusa mu nnyingo 92 ey'Etteeka ekkulu

Disclaimer
The Original of this translation is the English text of the Law which is the only authentic version for purposes of enforcement of the Law.

ETTEEKA LY'ETTAKA (ERIKYUSIDDWAMU), 2010

Etteeka erikyusa mu Tteeka ly'Ettaka olw'okwongera okukuuma n'okutaasa abasenze abaliwo mu mateeka oba mu bwesimbu ku ttaka erimanyiddwa mu butongole okusinziira ku tteeka 237 erya Ssemateeka, n'olw'ensonga endala zonna ezekuusa ku nsonga eno.

OLUNAKU LWE LYAYISIBWA: 6 Ogwolubereberye, 2010

Olunaku lwe litandika okukola: 12 Ogwokubiri, 2010

Bino wammanga bye BIYISIDDWA olukiiko lw'eggwanga olukulu:

1. Okukyusa mu nnyingo 31 ey'Etteeka ly'Ettaka.

Ennyingo 31 ey'Etteeka ly'Ettaka eriyitibwa Etteeka ekkulu mu Tteeka lino, ekyusiddwamu__

(a) ng'ewagikibwamu bino wammanga okuddirira ddala akatundu (3c)__

"(3d) Singa, oluvannyuma lw'emyezi mukaaga okuva Etteeka ly'Ettaka (Erikyusiddwamu) erya 2010 lwe litandika okukola, akakiiko kabeera tekannasalawo busuulu omusenze bw'alina okusasula buli mwaka, obusuulu obwo bunaayinzanga okusalibwawo Minisita.

(3e) Obusuulu obusasulibwa okusinziira mu nnyingo eno bunaasasulibwanga mu bbanga lya mwaka gumu oluvannyuma lwa Minisita okuyisa obusuulu obulina okusasulibwa okusinziira ku katundu (3) oba nga amaze okusalawo obusuulu obulina okusasulibwa okusinziira ku katundu (3d).";

(b) mu katundu (6), ng'ebigambo "emyaka ebiri" bisikizibwa ebigambo "omwaka gumu".

2. Okuwagikamu ennyingo empya 32A

Etteeka ekkulu likyusiddwamu nga liwagikibwamu bino wammanga okuddirira ddala ennyingo 32__

"32A. Abasenze abaliwo mu mateeka oba mu bwesimbu tebalina kugobwa lwa nsonga ndala yonna okuggyako ey'obutasasula busuulu.

(1) Omusenze aliwo mu mateeka oba mu bwesimbu taagobwenga ku ttaka limanyiddwa mu butongole okuggyako nga waliwo ekiragiro ky'okumugoba ekiyisiddwa kkooti olw'ensonga eteri ndala yonna okuggyako ey'obutasasula busuulu obwa buli mwaka.

(2) Kkooti, nga tennayisa kiragiro kigoba muntu okusinziira mu nnyingo eno, eneefangayo ku nsonga ezirambikiddwa mu nnyingo 32(1).

Disclaimer

The Original of this translation is the English text of the Law which is the only authentic version for purposes of enforcement of the Law.

(3) Kkooti, mu kiragiro ekigoba omuntu, eneeragirangamu ennaku z'omwezi, nga tezikka wansi wa myezi mukaaga okuva ku lunaku ekiragiro ekyo lwe kiyisiddwa, omuntu agobebwa z'alina okuviirako ku ttaka era kkooti eneeyinzanga n'okuyisa ekiragiro ekirala kyonna ekikwata ku bintu ebibeera bisaasaanyiziddwa, ebyonooneddwa, eby'okuliwa oba ensonga endala yonna kkooti gy'eneerabanga ng'esaanidde.

(4) Olw'ensonga z'ennyingo eno, ekigambo "kkooti" kinaategeezanga kkooti ekubirizibwa omulamuzi omuto ow'eddaala erisooka (Magistrate Grade I) oba omulamuzi omukulu (Chief Magistrate) nga bwe kinaabanga kyetaagisizza, era okujuliza kwonna okukolebwanga ku Kakiiko k'Ebyettaka mu Tteeka lino n'enkyukakyuka ezinaabanga zirikoleddwako kunaataputibwanga mu ngeri eyo.

3. Okukyusa mu nnyingo 35 ey'Etteeka ekkulu.

Ennyingo 35 ey'Etteeka ekkulu ekyusiddwamu__

(a) ng'ewagikibwamu bino wammanga okuddirira ddala akatundu (1)__

"(1a) Okusinziira ku katundu (7), omusenze ali ku ttaka agezaako okugaba obusenze bwe obw'engeri eno ng'omukisa gw'okubutwala tasoose kuguwa nannyini ttaka, abeera azzizza musango era singa gubeera gumusinze anaasasulanga engassi etesussa bubonero (currency points) 96 oba anaggalirwanga mu kkomera ebbanga eritasussa myaka ena oba byombi; ate era n'obugulanyi bw'okweggyako obusenze buno bunaabanga bugudde butaka era bwatyo obuyinza bw'abaddenga alina ku ttaka eryo bunaamuggyibwangako ne buddira nannyini ttaka amanyiddwa mu butongole.";

(b) ng'ewagikibwamu bino wammanga okuddirira ddala akatundu (7)__

"(8) Okusinziira ku nnyingo eno, okukyusa obwanannyini bw'ekyapa okuva ku nannyini ttaka ng'ayitira mu kutunda, okugaba, obusika oba mu ngeri endala yonna, tekulina ngeri yonna gye kunaakosanga ddembe lya musenze aliwo mu mateeka oba mu bwesimbu era ne nannyini ttaka omupya kinaamukakatangako okussa ekitiibwa mu ddembe eryo.";

4. Okukyusa mu nnyingo 59 ey'Etteeka ekkulu.

Ennyingo 59 ey'Etteeka ekkulu ekyusiddwamu n'ewagikibwamu bino wammanga okuddirira ddala akatundu (1)__

"(1a) singa akakiiko ketaba, kassaawo oba kamaliriza obugulanyi obw'ekika kino oba singa kagaba ettaka mu ngeri ekontana n'akatundu (1)(a), obugulanyi obwo bunaabanga bugudde butaka."

5. Okukyusa mu nnyingo 92 ey'Etteeka ekkulu.

Ennyingo 92 ey'Etteeka ekkulu ekyusiddwamu__

Disclaimer

The Original of this translation is the English text of the Law which is the only authentic version for purposes of enforcement of the Law.

(a) n’ewagikibwamu bino wammanga okuddirira ddala akatundu (1)(d)__

“(e) agezaako okugoba, agoba, oba yetaba mu kugoba omusenze aliwo mu mateeka oba mu bwesimbu okuva ku ttaka erimanyiddwa mu butongole awatali kiragiro kyonna;”

(b) ng’akatundu (4) kasikizibwa bino wammanga__

“(4) Omuntu asingisiddwa omusango ogulambikiddwa mu katundu (1)(c) anaabanga alina okusasula engassi etesussa bubonero (currency points) 96 oba okuggalirwa mu kkomera ebbanga eritasussa myaka ena oba byombi.”

(c) n’ewagikibwamu bino wammanga okuddirira ddala akatundu (5)__

“(5a) omuntu asingiddwa omusango ogulambikiddwa mu katundu (1)(e) anaggalirwanga mu kkomera okumala ebbanga eritasussa myaka musanvu.

(5b) singa omuntu asingisibwa omusango okusinziira mu katundu (5a), kkooti eyinza__

(a) okulagira omuntu oyo okusasula engassi oba okuliyirira omuntu abeera agobeddwa; oba
(b) okuyisa ekiragiro ky’okugatta omuntu abadde agobeddwa.”

Disclaimer
The Original of this translation is the English text of the Law which is the only authentic version for purposes of enforcement of the Law.